# Abaami y'empagi luwaga mu kumalawo akawuka ka siriimu mu baana

**BUUZA OMUSAWO**

**DR. Nelson Musoba, akulira ekitongole ekikwanaganya emirimu ku nsonga z'akawuka ka siriimu mu ggwanga ekya Uganda Aids Commission annyonnyola lwaki abaami ye mpagi luwaga mu kumalawo akawuka ka siriimu mu baana:**

**Abaami bayinza kuyamba batya ku kumalawo akawuka ka siriimu mu baana?**

Abaami basobola okukuuma abaana baabwe abatannazaalibwa nga beekuumira oba nga tebayenda ku baagalwa baabwe nga tebannafuna mbuto, nga bamaze okuzifuna ne bwe babeera nga bamaze okuzaala.

Wano mu mbeera bw'eti babeera beewalidde ddala obulabe obuyinza okuvaako maama okukwatibwa akawuka ka siriimu n'omwana we.

**Mu mbeera eno abaami bateekeddwa kukola ki?**


Abaami bateekeddwa okuwerekera bakyala baabwe nga bali embuto buli lwe bagenda mu ddwaaliro okunywa eddagala.

Kino kiwa bamaama essanyu ate kiyambako n'abaami okutegeera ekituufu ekyetaagisa okukolebwa ate era ne kiteekebwa ne mu nkola ne bwe babeera nga bazzeeyo awaka.

**Abaami abamu tebaagala kwekebeza nga beekwasa nti, omukyala kasita aba mulamu kitegeeza nabo balamu. Ensonga eno eri etya?**

Abaami bateekeddwa okusitukiramu ne bagenda ne beekebeza akawuka ka siriimu.

Omwami yenna bw'aba akkiriziganya n'eky'okwekebeza n'omwagalwa we nga bukyali wabeerawo emikisa mingi egy'okukuuma omwana waabwe ali mu lubuto obutakwatibwa kawuka ka siriimu singa omu ku bo akalina.



Dr. Nelson Musoba akulira Uganda Aids Commission.

**Waliwo abasajja abeesuulirayo ogwa nnaggamba mu kulabirira bakyala baabwe obawa bubaka ki?**

Abaami bateekeddwa okuba n'okwagala, nga bafaayo nga bawa abaagalwa baabwe buli kyetaagisa. Balina okubaliisa obulungi ate ne bakasa nti, n'omwana waabwe alabirirwa bulungi mu mbeera yonna.

Kino kiyamba maama obutakemebwa kugenda mu makubo malala agasobola okumuviirako okufuna akawuka ka siriimu ng'anoonya buyambi bwa mwana we.

**Obubaka obusembayo eri abaami ku nsonga y'akawuka ka siriimu.**

Abaami balina amaanyi gonna, bamanyi ne kye balina okukola okulaba nga bayambako okumalawo akawuka ka siriimu mu baana.

Beetaaga kuzuukuka ne batambulira wamu n'abaagalwa baabwe nga tebannafuna mbuto, nga bazifunye ne bwe babeera bamaze okuzaala. Nkakasa singa bakiteeka mu nkola we tunaatukira mu 2030, siriimu ajja kuba takyali mu baana.

**Dr. Nelson Musoba nga bwe yabitegeezezza KHASIFAH NAAVA.**